KUGUKA MU BUSUUBUZI

BW'OBA oyagala okubeera omutunzi omulungi, sooka omanye ebintu ebikulu bisatu (3).

1. Yiga abaguzi bo ne bye beetaga

2. Manya engeri y'okubakwatamu.

3. Manya bulungi ebyamaguzi by'otunda n'engeri y'okubitundamu.

Olina okuyiga abaguzi kubanga baba n'ebizibu eby'enjawullo:

a) Abamu tebasalawo ku kiki kya kugula oba balwawo nyo okusalawo.
b) Abamu babeera mu bwangu.
c) Abamu tebafaayo ku ssente zaabwe.
d) Abamu babeera n'ensimbi ntono.

Kale okukola obulungi gezaako okutegeera ebizibu bino byona n'okkumanya kasitoma alina ekizibu nga kino omukwata otya? Kino ojja kukikola ng'oyita mu kubuuza ebibuuzo n'okuwuliriza abaguzi bye bakuddamu.

Weeteke mu kifaananyi nga gwe kaasitoma. Bwe wandyagadde okukuyisa ng'ogula ekintu naawe bw'oba oyisa banno.
Yaniriza omuguzi wo.Bw'oba omumayi erinnya ly'oba omuyita**.**
Bw'oba olina gw'okolako n'abayingidde babuuzeeko era obagumye nti ogenda kubakolako.
Beera mwetoowaze eri abaguzi ate balage omukwano**.**

Toyegera bigambo biyitiridde.Wuliriza bye bakubuuza by'oba oddamu.
Beera mugumikiriza era abaguzi bawe obudde bakebere bye baagala era obawe amagezi ku kiki ekisinga.

CEEWA–Uganda ICT project